# HEADS-UP: PULOJEKITI Y'ABAANA, EMIKWANO, FAMIRE N'ABAGALWA BABWE MU BUFUNZE

HEADS-UP

HIV EMPOWERING ADULTS' DECISIONS TO SHARE - UK / UGANDA PROJECT

OBULWADDE BWA MUKENENYA BUWA ABANTU ABAKULU AMAANYI OKUSALAWO OKWOGERA KU MBEERA ZAABWE

## OKUBUULIRAKO ABALALA KU BIKWATA KU KAWUKA KA SIRIIMU

Waliyo abaana obukadde bubiri n'okusukkawo munsi yonna era bangi basanga obuzibu okwogera ku mbeera yabwe eyokuwangaala nakawuka akaleeta siriimu , oba okugabanako n'omuntu ku bwayimiridde ku bikwata ku kawuka ka siriimu.

## HEADS-UP

Twategeka omusomo gwa HEADS UP (okuwa amaanyi okusalawo kw'abantu okugabanako n'abalala ku bikwata ku kawuka ka siriimu- pulojekiti ya Bungereza/Uganda) okuyamba okuwanirira abaana abakuze n'akawuka ka siriimu (emyaka 18 ppaka ku 25 mu Uganda. Emyaka 18 ku 29 mu Bungereza) okukola okusalawo oba bagabanako n'abalala ku bikwata ku kawuka ka siriimu n'engeri ki ey'okukikola.
Abeetabi mu Bungereza bafunibwa okuva mu malwaliro mu London, Birmingham, Manchester wamu n'ebibiina by'abagaba obuyambi mu Bungereza wonna. Mu Uganda abeetabi bafunibwa mu bendobendo lya Kampala.

Abaana baateekebwa mu kimu ku bibinja bino lwa mukisa.

**1. EKIBINJA KY'OKWENYIGIRAMU (INTERVENTION GROUP)**

1.Ekibinja ky'okwenyigiramu ekibinja kino kyasisinkana abasawo ababudabuda babiri (omu ng'awangaala n'akawuka akaleeta siriimu omulala nga mukugu mu by'obulamu) wamu n'abaana abalala abawangaala n'akawuka akaleeta siriimu emirundi essatu. Era n'omusawo omu omulundi gumu kulwabwe. Mu nsisinkana zino, beetaba mu mukuyigirizibwa engeri yokugabanako n'abantu abalala ku ngeri gye bayimiriddemu ku kawuka akaleeta siriimu omwali n'okukubaganya ebirowoozo ku butambi bwokugabanako n'abalala;

**2. EBINJA KY'OBUJANJABI OBWABULIJJO (STANDARD OF CARE GROUP)**


1.Kino ekibinja kyo tekyetaba mu nteekateeka naye kyajjanga ku nnaku zaabwe ez'okujja ku ddwaliro ezabulijjo.



## ANI EYEETABA MU MUSONO?

Abaana 142 bateekebwa ku musomo

94 mu Uganda



era 48 mu Bungereza



Abantu abasinga kuntandikwa y'omusomo baali tebabuulirangako muntu yenna ku butya bwebayimiriddde ku bya kawuka kasiriimu oba baali babuuliddeko abantu batono.

## OMUSOMO BAAGWOGERAKO KI?

Abaana baafunamu okusisinkana abaana abalala abawangaala n'akawuka akaleeta siriimu:

*"Nasisinkana abantu era nasobola kunkomerero y'omusomo okusigala nga twogera wamu n'okuvaayo okwogera era n'okukwatagana n'abantu abalala mu kiseera ekyo n'etugabana ku byetufaanaganya ne byetwawukanya"(omwetabi okuva mu Bungereza)*

*"Oh, simanyi nakumanya nawulira nganfunye famire akaseera ako, kwegamba twakwataganirawo. Fenna twali bantu banjawulo era abalina empisa ez'enjawulo, naye twekuhhaanya, kyali kisuffu, kale kyali kyekyo" (omwetabi okuva mu Bungereza)*

Baasobola okumulisa ku kiki kyebaali bayize ku kugabanako n'abalala ku bikwata ku kawuka ka siriimu:

*"Nayiga nti osobola okusalawo okubuulirako omuntu omu oba okubuulirako ekibinja ky'abantu. Nayiga abantu ab'enjawulo engeri gyebeyisaamu ng'obabuulidde. Kwegamba engeri gyekikuyambamu okuwulira ng'omuntu kubanga bw'obuulirako abalala,kikwanguyiza mu kumira eddagala n'otekweka mu busonda. Ye era nayiga nti okubuulirako abalala kirina ebirungi byakyo."*

Abaana abamu bayongera ku byavaamu mu kwenyigira mu kusalawo okugabanako n'abalala ku bikwata ku kawuka ka siriimu.

*"Nyinza okugamba nti kyampa amaanyi okwongera mu maaso enteekateeka zange. Nze nga omuntu omu nakizuula nti ebiseera ebimu okwetegeka ekisukiridde nakyo wekiri…ekyasingako kyali nti osobola okukola kino, amazima okirina mu ggwe, tewebuzaabuza, tewali budde butuufu nga kati." (omwetabi okuva mu Bungereza)*

*"Mpuliranga oba ekintu ekyansindikiriza era ekyanyongera amaanyi kwegamba okwongera okugabanako n'abantu abatonotono era nawulira nnyo, oba kyogerebwa kitya? kwegamba omanyi bwenkipimaapima kyagyawo obweraliikirivu? Nawulira nga kyekyo"*

## KIKI KYE TWAYIGA MU NGERI ABAANA GYEBAJJUZAAMU OLUPAPALA LW'EBIBUUZO?



Omu yekka mu bana abaali ku bujanjabi obwa bulijjo yagamba nti yali ayogeddeko n'omukugu mu by'obulamu ku kugabanako ku bikwata ku kawuka ka siriimu mu myezi mukaaga oguyise. Kino kiraga nti waliwo obwetaavu okuwa okubudaabuda ku by'okugabanako n'abalala ku bikwata ku kawuka ka siriimu.

Bwetugeraageranya aba abali mu kibinja ky'okwenyigiramu n'abo abaali ku bujanjabi obwa bulijjo, waaliwo obujjulizi obulungi obulaga nti okwenyigiramu kyayongera mu kubeera obulungi. Era waliwo n'obujulizi nti okwenyigiramu kyaviiramu abaana okwongera okufuna obwagazi bw'okugabana era nga basuubira okubuulirako abalala ku butya bwebayimiridde ku by'akawuka ka siriimu mu myezi mukaaga egiddako.

## ENTEEKATEEKA ZAFFE ZE ZIRIWA KATI?

Kati, tutegeka okutekawo okulambikibwa wamu n'ebikozesebwa mu kugabanako n'abalala ku bikwata ku kawuka ka siriimu nga by'abaana abawangaala n'akawuka ka siriimu n'abakugu abakola nabo.